# Omwana bamuwambye mu Ndeeba ne bamusalako omutwe

Bya VIVIEN NAKITENDE

OMWANA atemuddwa mu ntiisa, abatemu bwe bamuwambye ku bakadde be ne bamusalako omutwe n'okugulu, ekiwuduwudu ne bakisuula mu mwala.

Entiisa eno ebadde mu Ndeeba mu zooni ya Betania, abazigu abatannategeerekeka bwe bawambye omwana Mariam Nakiyemba Babirye ow'emyaka ena, ne bamutemula mu ntiisa, oluvannyuma ekiwuduwudu ne bakisuula mu mwala gwa Nalukolongo Channel e Wankulukuku.

Ekiwuduwudu kyazuuliddwa abaana abaabadde balonda obucupa ku Ssande nga May 24, 2026 mu mwala gwa Nalukolongo Channel okumpi n'e Wankuluku, abaatemezza ku bakulembeze abaayise poliisi y'e Kabowa eyeegattiddwaako ey'e Nateete, ezaggyeewo omulambo ne gutwalibwa mu ggwanika e Mulago.

Omulambo gwasangiddwa nga tegulina mutwe n'okugulu kw'oludda olumu, nga n'olubuto lwasalibwasalibwa mu ngeri etiisa nga guvuunikiddwa, nga teguli mu ngoye.

Taata w'omugenzi nga ye Ssaalongo Abdulatif Musoke olwategedde ku mulambo ogwasuuliddwa mu mwala n'adduka okutuukawo kuba abadde amaze ennaku ng'anoonya muwala we eyawambibwa.

Olwatuuse ku mwala wadde nga kibadde kiwuduwudu tekubadde mutwe n'okugulu okumu ate nga tali mu ngoye, yakakasizza nti, ye muwala we Mariam Babirye gw'abadde anoonya.

Yategeezezza nti, muwala we yawambibwa ku Lwokutaano ekiro ku ssaawa 2.00, bwe yali azannya mu luggya lwa wooteeri ya Joinus eriraanye we babeera mu Ndeeba ng'ali ne banne. Banne baakomawo awaka naye ye teyadda, era ekiro ekyo ne batandika omuyiggo, wabula omwana n'abula okutuusa ku Ssande bwe baazudde omulambo mu mwala.

Omwogezi wa poliisi mu Kampala n'emiriraano, Rachael Kawala yakakasizza ettemu lino, n'ategeeza nti, kyazuuliddwa nti, ye mwana Babirye abadde anoonyezebwa bakadde be.



Bazadde ba Babirye (mu katono), Nnaalongo Mastula Zawedde (ku kkono) ne Ssaalongo Abdulatif Musoke mu kusoberwa.

Oluvannyuma omulambo gwatwaliddwa mu ggwanika e Mulago gye gwaggyiddwa ku Mmande ne gukwasibwa bakadde be okumutwala okuziikibwa.

Awabudde abazadde okwongera okukuumira amaaso ku baana baabwe kubanga abakyamu bateze amaaso.

## Kye bagamba



**Joselyn Nabaweesi :** Ekigudde ku kyalo kyaffe kitukubye wala. Omutemu yalondoola abaana nga bazannya n'awambako omu n'ekigendererwa ky'okumutta.



**Nnaalongo Sulaina Nakazibwe :** Kitalo eky'omwana ono omuto okutemulwa mu mbeera bw'eti. Tusaba Gavumenti etuyambe enoonye omutemu eyakoze kino akwatibwe.



**Farouk Katende :** Kitalo eky'omwana omuto okutemulwa mu ngeri ey'entiisa bw'eti, naye tusaba ab'ebyokwerinda n'abakwatibwako okuyigga abakyamu bano.